EMPA YA ZAKAATUL FITIR ENTUUFU

< LUGANDA >

KIWANDIIKIDDWA:

SHK: MUHAMMAD QURAISH MAZINGA

KYE KENNENYEZEDDWA:

FAROOQ ABDUL NOOR NTANDA

كيفية إخراج زكاة الفطر

اللوغندية

المؤلف:

الشيخ محمد قريش مزينغا

مراجعة:

فاروق عبدالنور انتاندا

EBIRI MUNDA

ENNYANJULA

Amatendo gonna amalungi era amajjuvu ga Allah omulezi w'ebitonde. Tumusaba asse okusaasira n'emirembe ku mubaka Muhammad (s.a.w) oyo gwe yatulaalikako okugoberera n'okugondera bwetuba nga ddala twagala obulungamu n'okuyingira ejjana n'okuwona obubuze n'okuyingira omuliro.

Allah yagamba nti:

قَالَ تَعَالَىٰ: ﴿وَإِن تُطِيعُوهُ تَهْتَدُوا ۚ ﴿٥٤﴾﴾ النو

{Bwe munaamugondera mujja kulungama}

Omubaka Muhammad (s.a.w)

n'agamba mu Hadiith eva ku Abu Hurairat (r.a.a) nti

كل أمتي يدخلون الجنة إلا من أبى, قالوا: ومن يأبى ؟ قال: من أطاعني دخل الجنة, ومن عصاني فقد أبى " رواه البخارى

"Abantu b'ekibiina kyange bonna bajja kuyingira Ejjana okuggyako oyo anaagaana. Nebamugamba nti: Owange ggwe omubaka wa Allah! Ani ayinza okugaana! N'abagamba nti: Oyo yenna anngondera ajja kuyingira Ejjana, ate anjeemera mazima aba agaanye (okugiyingira).

LWAKI MPANDIISE EKITABO KINO?

Oluvannyuma lw'ebbanga eddene ddala ng'abakkiriza bawa Zakaatul- fitir mu sente era n'etuuka

ku bannanyiniyo mu sente, era ng'eweebwa abakulembeze b'emizikiti nebagituusa kubeetaavu oluvannyuma lw'esswala ya Eid era ng'abakkiriza balowooleza ddala nti eyo y'eddiini yennyini Omubaka Muhammad (s.a.w) gye yajja nayo, enkola eno yeetegerezebwa n'ezuulibwa nga ssi ntuufu era nga eyawukana ddala ku njigiriza y'omubaka Muhammad era nga eyawukanira ddala kubulungamu bwaba swahaaba ba Nabbi bwe baaliko wamu n'abamanyi b'obusiraamu so ng'omutonzi waffe Allah yatugamba ng'atulabula obutaawukana ku bulungamu bwa Nabbi (s.a.w) ne ba Swahaaba be. Yagamba nti:

قَالَ تَعَالَىٰ: ﴿ فَإِنْ ءَامَنُوا۟ بِمِثْلِ مَآ ءَامَنتُم بِهِۦ فَقَدِ ٱهْتَدَوا۟ ۖ وَّإِن تَوَلَّوْا۟ فَإِنَّمَا هُمْ فِى شِقَاقٍ ۖ ﴿١٣٧﴾ ﴾ البقرة:

{Bwe banakkiriza nga bwe mukkiriza (mmwe ba Swahaaba) mazima bajja kuba bali kubulungamu. Kyokka bwe banaayawukana ku nzikiriza yammwe, mazima ddala bajja kuba mu kuwalaza mpaka}.

Bwe tuzuula nti enkola eno nkyamu era nga tekoma bukomi kuba nkyamu wabula ng'abamanyi b'obusiraamu – nga bw'onaalaba mu maaso- balamula kumuntu agiwadde mu sente n'etuuka ku nannyini kugifuna mu sente, oba n'emuweebwa oluvannyuma lw'esswala ya Eid ne bw'eba temuweereddwa mu ssente nti tagifunamu mpeera yonna, kyatukakatako okuvaayo tusomese Abakkiriza empa ya Zakaatul-fitir entuufu

n’okubalabula bave ku nkola enkyamu nga tutya etteeka lya Allah erigamba nti:

قَالَ تَعَالَىٰ: ﴿ إِنَّ ٱلَّذِينَ يَكۡتُمُونَ مَآ أَنزَلۡنَا مِنَ ٱلۡبَيِّنَٰتِ وَٱلۡهُدَىٰ مِنۢ بَعۡدِ مَا بَيَّنَّٰهُ لِلنَّاسِ فِي ٱلۡكِتَٰبِ أُوْلَٰٓئِكَ يَلۡعَنُهُمُ ٱللَّهُ وَيَلۡعَنُهُمُ ٱللَّٰعِنُونَ ١٥٩ ﴾ البقرة:

{Mazima abo abakukulira obunnyonnyofu n’obulungamu bwe twassa oluvannyuma lw’okuba nti twabunnyonnyola bulungi abantu mu kitabo, abo Allah yabakolimira (yabagoba mu kusaasira kwe) era ne bakolimirwa n’abakolimi bonna}.

Oluvannyuma lwokusomesa ensonga eno ne muganda wange Owekitiibwa Sheikh Abubakar Sserunkuuma, Abasiraamu abamu yabawaawaaza amatu ate abalala ne bagyaniriza n’essanyu era ne batandikirawo okugiteeka munkola ng’omukkiriza yenna bw’atekeddwa okukola ng’obulungamu bumujjidde.

Olwokutamwa n’okwewala ensonga ya Zakaatul fitir okwegatta ku ntalo ebbiri emmanyifu ezibeera mu buli Ramadhan – (olwa itkaaf, n’okusiiba olw’omukaaga mu sittat)- kyampalirizza okuwandiika ekitabo kino okunnyonnyola obuluungi ensonga eno kisobozese oyo yenna ayagala amazima okugabeerako nga mumativu nti ali ku mazima n’oyo abadde tamanyi nsonga eno agimanye era agigoberere – era ng’ekyo kye kisuubirwa mu Mukkiriza Allah yagamba:

قَالَ تَعَالَىٰ: ﴿ قَدۡ جَآءَكُم بَصَآئِرُ مِن رَّبِّكُمۡۖ فَمَنۡ أَبۡصَرَ فَلِنَفۡسِهِۦۖ وَمَنۡ عَمِيَ فَعَلَيۡهَاۚ وَمَآ أَنَا۠ عَلَيۡكُم بِحَفِيظٖ ١٠٤ ﴾ الأنعام: ١٠٤

{Mazima obukakafu okuva eri Omulezi wammwe bubajjidde; Oyo asalawo n'alaba (amanye nti) agasa mwoyo gwe. Ate asalawo okuziba amaaso era (amanye nti) yeekosa yekka. Mazima nze (Muhammad) saalagirwa kubalinnya kagere}.

ENSONGA ENKULU EZIRI MUKITABO KINO

Esooka: Tokkirizibwa kuweera Zakaatul fitir mu sente n’etuuka ku nannyiniyo mu sente wabula olagirwa okugimuwa mu mmere oba okuwa omusigire yenna nga Imaam w’omuzikiti gwo sente bw’oba nga weekakasa nti agenda kugulamu mmere agigabire abeetaavu so ssi kubawa sente.

Ey’okubiri: Singa owa omwetaavu Zakaatul fitir mu sente, oba n’oziwa Imaam n’azigabira omwetaavu mu sente (cash) ng’okimanyi, tofuna mpeera mu Zakaakul fitir eyo - nga bw’onalaba obujulizi obuyitirivu ku nsonga eyo mu maaso.

Ey’okusatu: Bw’owa Imaam w’omuzikiti gwo Zakaatul fitir agituuse ku beetaavu, tekitegeeza nti olwo omaze okutuukiriza ekikukakatako kubanga walagirwa kugiwa mwetaavu gwe kennyini era tolagirwangako kugiwa Imaam. Imaam ogimuwa nga musigire wo. Ebbanga ly’emala nga tennatuuka ku mwetaavu eba nga ekyali mumikono gyo era bw’agimuwa ng’esswala ya Eid ewedde, oba ng’agyeweredde gwe kennyini ng’esswala ya Eid ewedde era togifunamu mpeera nga bw’onokiraba mu bugazi.

Ey’okuna: Abamanyi b’obusiraamu bonna beegatta era bakkaanya nti Zakaatul fitir eweebwa mu mmere, kyokka ne wabaawo abataweza lubatu abagamba nti ekkirizibwa n’okugiweera mu sente. Abasingira ddala obungi ne babawakanya era ne bakyasanguza nti

agiweera mu sente tagifunamu mpeera. Lwaki Omusiraamu awa Zakaatul fitir ye mu mpa abamanyi gye balamulako nti tekkirizibwa era teriimu mpeera n'aleka empa abamanyi bonna gye beegattako nti ekkirizibwa era kye kikolo?!!

ZAKAATUL FITIR YAWEEBWANGA ETYA KU MULEMBE GWA NABBI (s.a.w)**?**

Omukkiriza ow'ekitiibwa, kimanye nti okuwa Zakaatul fitir Ibaadat nga Ibaadaat endala; ng'esswala, Okusiiba, n'ebirala. Fenna tukimanyi buluungi nnyo nti Ibaadat tetuuka okuggyako ng'agikoze agikoze ku lwa Allah yekka ate ng'agoberedde enjigiria y'omubaka Muhammad (s.a.w).

Buli yenna awa zakaatul fitir ng'ayagala okugifunamu empeera, ateekeddw okugiwa nga Nabbi (s.a.w) bwe yayigiriza ba Swahaaba be era ateekeddwa okugiwa nga bwe baagiwa. Yagamba Omubaka Muhammad mu Hadiith eva ku Aa ishat nti:

من عمل عملا ليس عليه أمرنا فهو رد (مسلم)

"Oyo yenna akola omulimu ogutaliiko njigiriza yaffe gumuddizibwa".

Ekyo bwetuba tukitegedde, twagala okumanya Nabbi (s.a.w) yasomesa atya Zakaatul fitir era ba Swahaaba be baagiwanga batya? Bwe weetegereza Hadiith ezo eziri wansi, okiraba bulungi nnyo nti Nabbi yatulagira tuwe Zakaatul fitir nga tugiwa mu mmere era okiraba bulungi nnyo nti ne ba swahaaba bonna baagiwanga mu mmere so ssi mu ssente – awamu n'ekyo sente zaaliwo era nga n'ebyekwaso byonna bye twekwasa okugiweera mu sente mukiseera kino byonna byali bisobola okwekwasibwa mu kiseera kya ba Swahaaba. Hadiith eva ku Abu Sa'eed Al Khudri (r.a.a) yagamba nti:

كنا نخرج زكاة الفطر صاعا من طعام. (متفق عليه)

"Twawanga Zakaatul fitit nga tuwa kigero kya mmere ekyenkana Swaa".

Swaa' kitegeeza okugatta ebibatu by'emikono gyo ebiri ogwa ddyo n'ogwa kkono n'oyoola emirundi ena. Ekyo ekigero ky'emmere ky'oba oyodde emirundi ena kyekiyitibwa Swaa' era ky'ekigero ekikakata ku buli Musiraamu okuwa mu Zakaatul fitir oba kkiro bbiri

n'ekituundu (2.5kg) bw'oba nga opimizza minzaane. Tujja kwongera okukunnyonnyola mu maaso ekiyitibwa Swaa' okitegeere bulungi – Insha'Allah. Hadiith endala nayo eva ku Abu Sa'eed Al Khudri (r.a.a) yagamba nti:

كنا نعطيها في زمن النبي صلى الله عليه وسلم صاعا من طعام (متفق عليه).

"Twagiwanga ku mulembe gwa Nabbi (s.a.w) nga tuwa kigero kya mmere ekyenkana Swaa'.

Lwaki baagiwanga mu mmere? Anti Omubaka wa Allah bw'atyo bwe yabalagira okugiwa era bw'atyo bwe yagiraalika okuweebwa. Hadiith eva ku Abdullahi Ibn Abbaas (r.a.a), yagamba nti: yagamba Omubaka wa Allah nti:

أدوا صاعا من طعام

(أخرجه البيهقي وحسنه الألباني في ص من طعام حيحه 1179).

"Muwe ekigero ky'emmere ekyenkana Swaa".

Hadiith endala eva ku Abdullahi Ibn Umar (r.a.a) yagamba nti:

أن رسول الله صلى الله عليه وسلم فرض زكاة الفطر صاعا من تمر أو صاعا من شعير (متفق عليه).

" Mazima Omubaka wa Allah yalaalika Zakaatul Fitir, eweebwenga ekigero kyentende ekyenkana Swaa' oba ekigero kya sha'eer ekyenkana Swaa".

Entende, ne sha'eer (kika kya ngano ekiyitibwa berly mu luzungu), n'amata ag'obuwunga (Aqti), n'emizabbibu, by'ebimu kubika by'emmere ba Swahaaba bye baasinganga okulya mu kiseera ekyo Nabbi weyalaalikira Zakaatul fitir. Kino kyeyolekera bulungi mu Hadiith ya Abu Sa'eed al Khudri (r.a.a) yagamba nti:

كنا نخرجها في عهد النبي صلى الله عليه وسلم صاعا من الطعام وكان طعامنا يومئذ الشعير والتمر والزبيب والأقط (متفق عليه)

“Twagiwanga ku mulembe gwa Nabbi nga tuwa kigero kya mmere ekyenkana Swaa’. N’emmere gyetwalyanga mukiseera ekyo yali sha’eer (berly) n’entende, n’emizabbibu, n’amata ag’obuwuunga.

WALIWO SWAHAABA YENNA EYAGIWEERAKO MU SENTE?

Kikulu nnyo era okumanya nti tewali Swahaaba yenna, wadde omu bw’ati yawaako Zakaatul fitir mu sente. Yagamba Sheikh Ibn Baaz – eyali muft wa Saudi Arabia – Allah amusaasire nti:

" ولا نعلم أن أحدا من أصحاب النبي صلى الله عليه وسلم أخرج النقود في زكاة الفطر وهم أعلم الناس بسنته صلى الله عليه وسلم وأحرص الناس على العمل بها. (حكم إخراج زكاة الفطر نقدا 83)

“Tetukimanyiiko nti waliwo wadde Swahaaba wa Nabbi (s.a.w) omu yekka bwati eyawaako sente mu Zakaatul fitir. So nga be basingira ddala okumanya enkola ya Nabbi era be basingira ddala abantu bonna okugikolerako.

N’agamba omumanyi ow’ekitiibwa Sheikh Swaleh Ibn Fauzaan Al Fauzaan – Allah amukuume- mukitabo kye ekiyitibwa Al Mulakkhas Al Fiqhie nti:

وأما إخراج القيمة عن زكاة الفطر, بأن يدفع بدلها دراهم فهو خلاف السنة, فلا يجزء. لأنه لم ينقل عن النبي صلى الله عليه وسلم ولا عن أحد من أصحابه إخراج القيمة في زكاة الفطر (الملخص الفقهي 202)

Kunsonga y’okuwa Zakaatul fitir mu sente; mu kifo ky’emmere n’awaamu zi Dirham (sente), ekyo kyawukana n’enkola y’omubaka Muhammad (s.a.w) Era agiwa bw’atyo tagifunamu mpeera. Olw’ensonga nti tekiwulirwangako ku Nabbi, wadde ku Swahaaba we omu bwati okuwa sente mu Zakaatul fitir.

Ne Sheikh Abubakar Al Jazaa’ir, omu ku bamanyi b’omulembe guno abamanyifu yagamba nti:

الواجب أن تخرج زكاة الفطر من أنواع الطعام, ولا يعدل عنه إلى النقود إلا لضرورة إذ لم يثبت أن النبي صلى الله عليه وسلم أخرج بدلها نقودا بل لم ينقل عن الصحابة إخراجها نقودا" (منهاج المسلم 259)

Ekyetteeka, kwe kuwa Zakaatul fitir mu bika by’emmere. Era tekikkirizibwa kuwa sente okuggyako mu mbeera y’obusoberwa (ng’okuba nti emmere ebuze). Olw’ensonga nti tekimanyiddwako nti Nabbi (s.a.w) yawaako sente mukifo ky’emmere. Ate oba tekimanyiddwako nti ba Swahaaba baagiwanga mu sente.

Tebaawampanya nti abantu tebalina nva.. Tebaawampanya nti abantu tebalina byakunywa oba mbu tebalina bya Eid nga ffe bwe tukola olwaleero! Wabula beewaayo eri ekiragiro kya Nabbi ne bagiwa nga bwe yagibalagira bagiwe nga naffe bwe tutyo bwe tuteekeddwa okukola bwe tuba twagala tube wamu nabo ku lunaku lw’enkomerero.

قَالَ تعَالَى:﴿ وَمَن يُطِعِ ٱللَّهَ وَٱلرَّسُولَ فَأُوْلَٰٓئِكَ مَعَ ٱلَّذِينَ أَنۡعَمَ ٱللَّهُ عَلَيۡهِم مِّنَ ٱلنَّبِيِّـۧنَ وَٱلصِّدِّيقِينَ وَٱلشُّهَدَآءِ وَٱلصَّٰلِحِينَۚ وَحَسُنَ أُوْلَٰٓئِكَ رَفِيقٗا ٦٩ ﴾ النساء:

"Abo bonna abagondera Allah n'omubaka, bajja kuba wamu n'abo Allah be yassaako ebyengera bye; mu ba Nabbi, n'abaakakasa amazima, n'abaafa nga balwanirira eddiini, nabalongoofu. Kiriba kya ttendo nnyo okuba wamu nabo".

SENTE TEZALIWO OBA OBWETAAVU BWAZO TEBWALIWO?

Omukkiriza ow'ekitiibwa, kimanye nti Ramadhan yalaalikikibwa mu mwaka ogwokubiri oluvannyuma lw'okusenguka Kwa Nabbi (s.a.w) okuva e Makka okugenda e Madiina. Nabbi yasiiba ebisiibo munaana, kyokka mu myaka egyo gyonna teyawaako Zakaatul fitir mu sente wadde okukikoonako mu bigambo bye.

Era tewali wadde Hadiith ennafu eyogera ku sente! Wadde okubaawo Hadiith ennafu nti waliwo Swahaaba omu bwati eyagiwaako mu sente oluvannyuma lwa Nabbi!. Ebigambo byabamanyi ku nsonga eyo obirabye waggulu n'ebirara bingi ogenda kubiraba wansi.

So nga sente zaaliwo mu buungi era Hadiith mpitirivu ezoogera ku Diinaar (gold coin) ne Dirham (silver coin) era nga ba Swahaba baazikozesanga mu bulamu bwabwe obwabulijjo era nabo baabanga n'obyetaavu ebyenjawulo kulunaku lwa Eid nga bwetulina. Kati ggwe agiwa mu sente, bwoba toli na Nabbi era toli ne ba Swahaaba be, oli n'ani?!!

Okwo kwogatta okuba nti ne bwe zitaalibaddewo mu kiseera ekyo Nabbi yaalitulaze ekyokukola nga zizze

singa zaali zikkirizibwa – nga bwe yakikola ku bintu ebirala- kubanga ye Nabbi ow'enkomerero ate Obusiraamu butuukagana n'ebiseera byonna n'embeera zonna. Yagamba Sheikh Ibn Baaz nti:

ومعلوم أنه في وقت هذا التشريع وهذا الإخراج كان يوجد بيد المسلمين وخاصة مجتمع المدينة – الدينار والدرهم اللذان هما العملة السائدة آنذاك ولم يذكرهما صلى الله عليه وسلم في زكاة الفطر, فلو كان شيئ يجزئ في زكاة الفطر منهما لأبانه (حكم إخراج زكاة الفطر قيمة 83)

'Kimanyiddwa bulungi nti mukiseera omubaka we yasomeseza ensonga (ya Zakaatulfitir) ne mu kiseera we baagiweeranga (omubaka ne ba Swahaaba be), Abasiraamu na ddala mu Madiina baabanga ne sente za Diinar (gold coins) ne sente za Dirham (silver coins) era nga z'ensibi ezaakozesebwanga ku mulembe ogwo. Kyokka Nabbi teyazikoonako mu Zakaatul fitir!! Singa okuziwa kwalimu empeera yonna teyaalikisirikidde n'atakitugamba.

Ne Dr. Mahmood Ibn Ibrahiim Al Khatwib n'agamba nti:

لم يكن سكوت رسول الله صلى الله عليه وسلم عن ذكر الدينار ولا الدرهم إلا لحكمة أرادها, فلم يذكرهما في زكاة الفطر مع وجودهما في عهده صلى الله عليه وسلم ولم تذكر في أي أثر من الآثار أو أي حديث مهما كانت درجته. (حكم إخراج زكاة الفطر قيمة 285)

Nabbi (s.a.w) okusirika n'atabaako ky'ayogera ku sente za Diinaar wadde eza Dirham yalina ekigendererwa. Teyazoogerako mu Zakaatul fitir so nga zaaliwo kumulembe gwe. Era tewali Athari yonna eyogera ku bulamu bwa ba Swahaaba ezikoonako (nti

baaziwaako mu Zakaatul fitir) wadde okukoonebwako mu Hadiith za Nabbi (entuufu wadde ennafu) mu madaala gaazo ag'enjawulo!!

Ne Imaam Abu Zakariyyah Annawawie – Allah amusaasire- yagamba nti:

ولم يذكر القيمة ولو جازت لبينها, فقد تدعو الحاجة إليها, ومن يدفع القيمة لم يعط ما فرض رسول الله صلى الله عليه وسلم (المجموع, 5-385)

(Nabbi) teyayogerako ku sente (nti zikkirizibwa okuweebwa mu Zakaatul fitir); Singa zaali zikkirizibwa okuweeba yaalikitunnyonnyodde. Kubanga obwetaavu bwazo bubaawo. N'olw'ekyo omuntu yenna awa sente aba tawadde ekyo Omubaka wa Allah kye yalaalika.

AGIWADDE MU SENTE AGIFUNAMU EMPEERA?

Olukiiko olukulu olw'ekitiibwa ennyo olwabamanyi ba Saudi Arabia (Majlisul Ulamaa') oluyitibwa Allajna addaa'imat bwe lwabuuzibwa ku kuwa Zakaatul fitir mu sente oba kikkirizibwa, baayanukula nti:

لا يجوز دفع النقود بدلا من الطعام في صدقة الفطر, لأن النبي أمر بإخراج الطعام في صدقة الفطر, وقدره بالصاع مما يدل على تعينه وعدم إجزاء القيمة, و في إمكان الفقير أن يبيعها وينتفع بثمنها في حاجته (اللجنة الدئمة, فتوى رقم 15888)

‘Tekikkirizibwa kuwa sente mu kifo ky’emmere mu Zakaatul fitir. Kubanga Nabbi (s.a.w) yalagira kuwa mu mmere mu Zakaatul fitir. N’atubuulira n’ekigero ky’emmere ekyo nti kirina kuba nti kyenkana Swaa’ – ekiragira ddala nti mmere yokka gy’ayagala eweebwe era agiwa mu sente tagifunamu mpeera. Omwetavu bw’aba nga emmere tagirinaamu bwetaavu wa ddembe okugitunda ensimbi z’aggyamu n’azimazisa ebyetaago bye.

Fatuwa eno yafulumizibwa abamanyi ab’ebitiibwa: Sheikh Bakri Abu Zaid, Sheikh Al Fauzaan, Sheikh Abdullah Gudyan, ne mufti eyaliko mu biseera ebyo Sheikh Abdallah Ibn Baaz.

N’abamanyi ab’ebitiibwa abeekungaanya ne bawandiika ekitabo ekyekitiibwa Al fiqh Al Muyassar ne kitongozebwa omumanyi owekitiibwa Sheikh Swalih Ibn Abdul Aziiz Al sheikh, bagamba nti:

ولا يجوز إخراج قيمة الطعام, لأن ذلك خلاف ما أمر به رسول الله صلى الله عليه وسلم , ولأنه مخالف لعمل الصحابة, فقد كانوا يخرجونها صاعا من طعام. ولأن زكاة الفطر عبادة مفروضة من جنس معين وهو الطعام, فلا يجزء إخراجها من غير الجنس المعين (الفقه الميسر في ضوء الكتاب والسنة- 144)

‘Tekikkirizibwa muntu kuwa sente eziggya mu kipimo ky’emmere. Olw’ensonga nti ekyo kikontana n’ekyo Omubaka wa Allah kyelagira era kikontana

n'enkola ya ba Swahaaba bonna. Mazima baawanga Swaa' y'emmere.

N'ensonga endala: Kwe kuba nti Zakaatul fitir Ibaada eyalaalikibwa mu kintu ekitongole nga nakyo y'emmere. N'olw'ekyo bw'ogiweera mu kintu ekitaki ekyo Nabbi kye yagiraalikiramu togifunamu mpeera.

Yagamba Imaam Annawawie nti:

لا تجزئ القيمة في الأضحية,.......... وكذا في زكاة الفطر لأنه منصوص عليها بالطعام (المجموع 5-385)

'Tofuna mpeera bw'owaayo obuwi sente ezigya mu nsolo n'otasala nsolo yennyini ku Eid Al Adhuha. Na bwekityo (tofuna mpeera) bw'oweera Zakaatul fitir mu sente kubanga yalaalikibwa mu mmere.

Soma ne ya Sheikh Fauzan gye twakulaze waggulu ku page 10

EBIGAMBO BY'ABAMANYI KU NSONGA ENO.

Omukkiriza ow'ekitiibwa, omuntonzi waffe Allah yatulagira okubuuzanga abamanyi b'eddiini yaffe ey'obusiraamu ebeesigwa ensonga yonna gye tuba tutamanyi oba gye tuba twawukanyemu. Yagamba Ow'ekitiibwa Allah nti:

قَالَ تَعَالَىٰ: ﴿فَسۡـَٔلُوٓاْ أَهۡلَ ٱلذِّكۡرِ إِن كُنتُمۡ لَا تَعۡلَمُونَ ٤٣﴾

{Mubuuze abamanyi bwe muba nga temumanyi}.

Oluvannyuma lw'abamanyi okutunuulira Hadiith ezo waggulu n'endala nnyingi ezitaleeteddwa olwobutagaziya nnyo kitabo kino, ne bagattako

eky'okuba nti Nabbi yasiiba ne ba Swahaababbe nebasiiba ebisiibo Munaana nga tawadde ku sente wadde okuzoogerako so nga z'aliwo era nga n'obwetaavu bwazo bwaliwo era nga n'ebyekwaso bye twekwasa olwaleero byali bisobola okwekwasibwa mukiseera ekyo, nebagattako eky'okuba nti tewali wadde Hadiith ennafu eraga nti waliwo wadde swahaaba omu bwati eyawaako Zakaatul fitir ye mu sente oluvannyuma lw'okufa kwa Nabbiokutuusa bonna lwe baafa ne baggwawo, abamanyi b'obusiraamu bategeera nti okuwa Zakaatul fitir mu sente kuba kwawukanira ddala ku bulungamu bwa Nabbi (s.a.w) era agiwa mu sente tafuna mpeera yonna.

Olw'ensonga eyo, abamanyi bonna bakkanya nti Zakaatul fitir eteekeddwa kuweebwa mu mmere so ssi mu sente era tewali amanyiddwa mu butongole mu balongoofu abaatukulembera nti ya yawukana ku mugendo ogwo okuggyako Imaam Abu Haniifa (Annu'maan Ibn Thaabit) - Allah amusaasire- kyokka abamanyi ne bamuwakanya ku nsonga eyo. Yagamba omumanyi ow'ekitiibwa ennyo ayitibwa (Ibn) Al Waziir nti:

اتفقوا على أنه لا يجوز إخراج القيمة في زكاة الفطر, إلا أبا حنيفة, فإنه قال: يجوز. (حاشية الروضة المربع – عبد الرحمن ابن محمد بن قاسم العاصمي 3-288)

Abamanyi bonna bakkaanya nti tekikkirizibwa kuwa Zakaatul fitir mu sente. Okuggyako Abu Haniifa; ye agamba nti: Kikkirizibwa.

Ne Imaam Annawawie – Allah amusaasire- yagamba nti:

ولم يجز عامة الفقهاء إخراج القيمة, وأجازه أبو حنيفة. (شرح النووي 7-60)

Abamanyi bonna bagamba nti tekikkirizibwa kuwa (Zakaatul fitir) mu sente. Abu Haniifa ye agamba nti kikkirizibwa.

N'abamanyi abalala b'osanga mu bitabo ebimu nga boogerwako nti baalaba okukkiirizibwa kw'okugiweera mu sente be: Sufiyaan Athaurie, Hassan Al Basri n'eyaliko omukulembeze w'abakkiriza ayitibwa Umar Ibn Abdul Aziiz –Allah abasaasire bonna abayingize ejjana eyekitiibwa.

Bwe kiba nga ddala ekiboogerwako kituufu, abamanyi ababasinga ekitiibwa mu kumanya abali mu nkumi n'enkumi, omuli ba Imaam b'amadh'habu abasatu: Imaam Maalik, Imaam Shaafi'e ne Imaam Ahmad, baabaawukanako era bangi ne bavumirira omuntu yenna eyesembesa ebyogerwa ku bamanyi abo abatawera lubatu n'alekawo obulungamu bw'omubaka ne ba Swahaaba be.

Imaam Ahmad Ibn Hambal omumanyi owekitiibwa ennyo yagamba nti:

لا يعطى القيمة, قيل له: قوم يقولون إن عمر بن عبد العزيز كان يأخذ القيمة. قال: يدعون قول رسول الله ويقولون قال فلان؟! وقد قال عمر رضي الله عنهما : فرض رسول الله صلى الله عليه وسلم زكاة الفطر صاعا؟! وقَالَ تَعَالَى: ﴿أَطِيعُوا۟ ٱللَّهَ وَأَطِيعُوا۟ ٱلرَّسُولَ ﴿٥٩﴾﴾ النساء:

(المغني لابن قدامة الجزء الرابع 295)

'Tekikkirizibwa kuwa sente. N'agambibwa nti:Waliwo abagamba nti (Omukulembeze w'abakkiriza)

Umar Ibn Abdul aziiz y'akkirizanga okuweebwa sente. Imaam Ahmad n'agamba nti: Balekawo ebigambo by'omubaka ne bagamba nti: Gundi yagamba?!!! Nga mazima ddala Swahaaba ayitibwa Ibn Umar yagamba nti: Omubaka wa Allah yalaalika Zakaatul fitir embatu nnya (ez'emmere)?! Nga ne Allah yagamba nti: {Mugondere Allah era Mugondere n'omubaka}?!

Ebigambo bya Imaam Ahmad bikuwa entegeera y'omusiraamu entuufu nti: Nabbi kasita alamula ensonga yonna, ate tetuddamu kuwuliriza kigambo kya muntu yenna nebw'aba nga mumanyi wakitiibwa nnyo oba nga mukulembeze wa kitiibwa nnyo kasita aba ngaky'ayogedde kikontana n'ekyo Nabbi kyeyalamula.

Kikulu nnyo era okumanya nti n'abamu ku bamanyi abali ku Madh'habu ga Imaam Abu Haniifa baamwawukanako ku nsonga eyo. Yagamba (Ibn) Al Waziir nti:

قال بعض الحنفية: إنه خلاف السنة, ولم ينقل عن النبي صلى الله عليه وسلم ولا عن أحد من أصحابه إخراج القيمة في زكاة الفطر. (حاشية الروضة المربع – عبد الرحمن ابن محمد بن قاسم العاصمي 3-288)

Abamu ku bamanyi b'amadh'habu ga Abu Haniifa bagamba nti: (Okuwa Zakaatul fitir mu sente) kuba kwawukana ku nkola y'omubaka Muhammad. Tekiwulirwangako ku Nabbi wadde kw'omu kuba Swahaaba be okuwa Zakaatul fitir mu sente.

Anti ne Abu Haniifa yennyini yatugaana okutwala ekigambo kye nga tetutegedde bujulizi bwe yeesembesezza oba nga kikontanye n'ekya Nabbi yagamba nti:

لا يحل لأحد أن يأخذ بقولنا ما لم يعلم من أين أخذناه.

(ابن عابدين في حاشيته على البحر الرائق 6-293 وانظر مقدمة صفة صلاة النبي للألباني 46)

Tekikkirizibwa kumuntu yenna kutwala kigambo kyaffe nga tategedde we tukiggye.

Ebigambo bya imaam Abu Haniifa ebyo waggulu bimenyawo entegeera enfu Abasiraamu abamu gye balina- ng'ekyennaku abamu bawalimu- abalowooza nti omuntu wa ddembe okwenyweza ku kigambo ky'omumanyi wadde nga tategedde bujulizi kw'asigamizza kigambo kye – naddala bwaba ng'awulidde nti bamanyi banne bawakanya ekigambo kye ekyo.

Ate bw'aba nga Sheikh, alina n'obusobozi obulondoola ekigambo ekyo n'amanya nti tekiriiko bujulizi bwonna, oba nti obujulizi obwesembesebwa bufu oba nti bwesembesebwa mu kifo we butakolera, kyokka n'asigala nga yeerippye ku wuzi za Nabbubi, awo ate ku ye obuswavu busukka.

قَالَ تَعَالَى: ﴿ وَإِنَّ أَوْهَنَ ٱلْبُيُوتِ لَبَيْتُ ٱلْعَنكَبُوتِ لَوْ كَانُوا۟ يَعْلَمُونَ ٤١ ﴾ العنكبوت:

"So ng'ennyumba esingira ddala okuba yegeyege y'ennyumba ya Nabbubi, singa babadde bamanyi".

EBIGAMBO BY'ABAMANYI EBIRALA.

Olukiiko olukulu olw'abamanyi ba Saudi Arabia oluyitibwa Allajnat Addaa'imat bwe lwabuzibwa oba kikkirizibwa okuweera Zakaatul fitir mu sente baagamba nti:

صدقة الفطر يجب دفعها طعاما, ولا يجزئ فيها دفع القيمة.

(اللجنة الدائمة, فتوى رقم 17299)

Zakaatul fitir eteekeddwa kuweebwa mu mmere era agiweera mu sente tagifunamu mpeera.

N'omumanyi owekitiibwa ennyo Sheikh Muhammad Ibn Swalih Al Uthaimeen- Allah amusaasire - Yagamba mukitabo kye ekiyitibwa Mudhakkiratul Fiqhie page 369 nti:

ولا يجوز إخراج بدلا عن القوت نقودا أو غيرها, فهي حديث أبي سعيد: كنا نعطيها صاعا من تمر. (مذكرة الفقهي لابن عثيمين 369)

'Tekikkirizibwa kuva ku mmere n'owa sente wadde ekintu ekirala kyonna ekitali mmere. Kubanga Hadiith ya Abu Sa'eed (Al Khudri) ekyoleka bulungi nti: Twawanga ekigero ky'entende ekyenkana Swaa'.

Ne sheikh Husein Ibn Audat Al Awaayishat – omu ku bayizi abatutumufu aba Sheikh Muhammad Naasuruddiin Al Albaanie – mukitabo kye ekiyitibwa Al Mausuu'at Al Fiqhiyya Al Muyassarat omujalladi ogwokusatu page:165, yagamba nti;

لا يجوز إخراج القيمة في زكاة الفطر لورود النص في الطعام

(الموسوعة الفقهية الميسرة في فقه الكتاب والسنة المطهرة 165)

Tokkirizibwa kuwa sente mu zakaatul fitir olw'obujulizi obulaga obutereevu nti eweebwa mu mmere.

N’agamba Sheikh Islam Ibn Taymiyya- Allah amusaasire- ng’ayogera ku Zakaatul fitir nti:

ولهذا أوجبها الله طعاما كما أوجب الكفارة طعاما. (مجموع الفتاوى - 73)

Na bwekityo Allah yagiraalika mu mmere nga bwe yalaalika emitango nga gitangibwa mu mmere.

Ebigambo by’abamanyi ebigaana okuwa Zakaatul fitir mu sente era ebibategeeza mu butongole nti agiweera mu sente tagifunamu mpeera yonna olw’okwawukana ku bulungamu bwa Nabbi bingi nnyo nnyo tetusobola kubimalayo mu kitabo kino ekifunda. Mu bufunze ennyo, ebyo bye binu ku byo era tubiyigamu ensonga zino wammanga:

Esooka: Kwe kuba nti Zakaatul fitir Nabbi yalagira eweebwe mu mmere nga bwe wakirabye mu Hadiith empitirivu waggulu. Era naye kennyini yagiweera mu mmere teyagiweerako mu sente so nga zaaliwo. Tetuteekeddwa kukyusa kiragiro kye na nkola ye lwa ndaba ya muntu yenna ne bwaba mumanyi wa kitiibwa. Yagamba Sheikh Ibn Baaz Allah amusaasire nti:

إن المتبع لسيرة المصطفى يجد أن أصحابه كانوا حريصين على ذكر كل ما يفعله,.. فكانوا متتبعين لكل حركاته وسكناته فلم يذكر شيئ عن إخراج القيمة في الزكاة (حكم إخراج زكاة الفطر قيمة 285)

Omuntu yenna agoberera obulamu bw’omubaka akiraba bulungi nnyo nti ba Swahaaaba be baali bayitirivu nnyo mu kututuusaako buli kyonna kye yakolanga. Baalondoolanga buli kwenyenya kwe

n'okutebenkera kwe. Kyokka tebaayogerako kantu konna ku kuwa sente mu Zakat.

Ey'okubiri: Kwe kuba nti ne ba Swahaaba be bonna Zakaatul fitir baagiwanga mu mmere era tewali n'omu bwati yagiwaako mu sente so ng'ebyekwaso byonna bye tuwa olwaleero nabo baali basobola okubyekwasa ne bagiwa mu sente kubanga sente zaaliwo nga bwe twakikulaze waggulu.

Ey'okusatu: Zakaatul fitir Ibaada. Bw'eba Ibaada, tukimanyi bulungi nnyo fenna nti Ibaadat eyimirirawo ku mpagi bbiri: Ikhlaas (okugikola ku lwa Allah) ne Mutaaba'at (okugikola nga Nabbi (s.a.w) bwe yagikola oba nga bwe yagiragira). Oyo yenna ayawukana ku nkola ya Nabbi, Ibaadat ye tekkirizibwa ne bw'agikola ku lwa Allah.

Ey'okuna: Abamanyi bakikkatiriza nti oyo yenna agiwa mu sente n'etuuka ku nannyiniyo mu sente tagifunamu mpeera.

Wano nno we tusabira oyo yenna agamba nti ekkiriziba okuweebwa mu sente oba nti byombi bikkirizibwa, atuwe obujulizi bw'ekyo kyayogera gy'abuggya mu bikolo by'okulamula ebibiri: Qur'aan ne Sunna, oba atulage nti ba Swahaaba ba Nabb i(s.a.w) abaawangaala naye nabo ensonga eyo baagiteera nga yye, oba atulage nti ebyekwaso bye twekwasa ku mulembe guno okugiweera mu sente byali tebisoboka kwekwasibwa ku mulembe gwa ba Swahaaba

ng'okugamba nti omuntu ayinza okuba ng'alina emmere kyokka nga talina nva.

Ibn Al Qayyim Al Jawziyya, omumannyi ow'ekitiibwa ennyo yagamba mukitabo kye: I'laamul Muwaaqi'een nti:

العلم قال الله قال رسول... قال الصحابة هم أولو العرفان

ما العلم نصبك للخلاف سفاهة... بين الرسول وبين رأي فلان

Okumanya kwe kugamba nti: Allah yagamba, oba nti: Omubaka we yagamba, oba nti: ba Swahaaba baagamba kubanga be bannanyini kumanya. Okumanya si kwe kukoonaganya ebigambo by'omubaka – mu ngeri y'obubuyabuya- n'entegeera (y'omumanyi) gundi.

N'ogamba nti: Imaam Abu Haniifa yagamba! Ng'omaze okutegeera nti Omubaka wa Allah ne ba Swahaaba be baayogera dda ekyawukana n'ekyo?!!!!

OKWANUKULA EBYEKWASO BY'ABAGAMBA NTI EKKIRIZIBWA OKUWEEBWA MU SENTE.

Olw'okuba abagamba nti Zakaatul fitir ekkirizibwa okuweebwa mu sente bakimanyi buluungi nti tebalina bujulizi bwonna ku nsonga eyo, baasalawo okuteekawo obusonga songa obw'obwongo ne bamatiza nabwo abantu nti zakaatul fitir ekkirizibwa okuwebwa mu sente oba nti byombi bikkirizibwa.

Abamu ku basinga okusimba nakakongo ku songa eyo be bakulembeze b'emizikiti abo abolowooza nti nabo balina omugabo ku Zakaatul fitir wadde nga ssi banaku

abeetaavu. Tebakimanyi nti Zakaatul fitir teri nga Zakaatul Maal eyo eweebwa emiteeko omunaana nga mubo mwe muli n'abagikolako – so nga ne Zakaatul Maal Imaam takkirizibwa kugyegabira – nga bwe twannyonnyola ensonga eyo mukitabo: Zaatul Maal, Ng'omubaka Bwe Yagisomesa.

Zakaatul fitir yyo ya baavu n'abanaku bokka era teweebwa muteeko mulala gwonna mu miteeko egikkirizibwa okuweebwa Zakaatul Maal. Imaam bwaba mwetaavu, akkirizibwa okwegabirako ekigero ekifaanana nga ky'agabira abantu abalala. Abdullah Ibn Abbaas Yagamba:

فرض رسول الله صلى الله عليه وسلم زكاة الفطر طهرة للصائم....وطعمة للمساكين (رواه ابو داود وحسنه الألباني رحمه الله تعالى)

'Omubaka wa Allah yalaalika Zakaatul fitir olw'okutukuza abasiibi era nga kyakulya ky'abeetaavu.

N'omumanyi owekitiibwa ennyo ayitibwa Ibn Qayyim Al Jawziyya ng'akkatiriza ensonga eyo mu kitabo kye Zaad Al ma'aad yagamba nti:

وكان من هديه تخصيص المساكين بهذه الصدقة, ولم يقسمها في الأصناف الثمانية...,ولا أمر بذلك, ولا فعله أحد من أصحابه, ولا من بعدهم (زاد المعاد تحقيق الأرنؤوط فصل: لا تعطى صدقة الفطر إلا للمساكين 21)

Era mubulungamu bwa Nabbi (s.a.w) mwe mwali okuba nti zakaatul fitir teyagiwanga batali baavu. Era teyagyawuzanga mu miteeko omunaana (egiweebwa Zakaatul Maal). Era teyalagirako eweebwe abatali baavu, wadde okukolebwa abo abaddirira ba Swahaaba.

Ebimu kubyekwaso ebyekwasibwa, kwe kuba nti Zakaatul fitir bwe tugiwa mu mmere, omunaku aba

taweereddwa nva so ng'ayinza okuba ng'asangiddwa alina emmere nga nva z'atalina, kyokka bwaba aweereddwa sente, aba asobola okwegulira emmere n'envа. Abo abeekwasa ekyekwaso ekyo tubategeeza nti ekyekwaso kyabwe kinafu nnyo nnyo olw'ensonga zino wammanga:

Esooka: Tetuli basaasizi eri abanaku okusinga Allah n'omubaka we. Eky'okuba nti Allah n'omubaka we be baalaalika Zakaatul fitir, bujulizi obulaga nti tetusobo kuba nga tulumirirwa abanaku okusinga omutonzi waabwe n'omubaka we. N'olw'ekyo bwaba nga Nabbi (s.a.w) yalagira eweebwe mu mmere, tekiwa magezi kwawukana ku kiragiro kye mbu kubanga ffe tulaba emmere etaliiko nva tegwanidde kuweebwa munaku.

Ey'okubiri: Singa kyali kikkirizibwa okubawa sente mu kifo ky'emmere, Nabbi teyaalyerabidde kukitubuulira era ne ba Swahaaba be baaliwadde Zakaatul fitir yaabwe mu sente. Bwa'ba nga Nabbi (s.a.w) yalagira mmere, era nga ne ba swahaaba bonna baawa mmere, so nga sente baali bazirina, kitegeeza nti agiwa mu sente aba ayawukanye ku bulungamu era tagifunamu mpeera.

Ey'okusatu: Allah yatulagira ku Eid Al Adhuha (Idi y'okusala ebisolo) abanaku tubawe ennyama, ate n'atatulagira kubaweerako mmere. Lwaki tetuwampanya nga bwe tuwampanya ku Zakaatul fitir nti tubawa tutya ennyama etaliiko mmere? Oyo eyalagira tubawe nva ku

Eid Al adhuha, era yeyalagira tubawe emmere ku Eid Al fitir.

Ey'okuna: Ekyo ekyekwaso kyokuba nti omunaku asobola okuba ng'alina emmere ate nga talina nva?

kyali tekisobola kwekwasibwa kumulembe gwa ba Swahaaba? Lwaki tebaagiwanga mu sente?

Ey'okutaano: Singa Allah yalagira tusiibe nga tewali kantu konna munaku k'afuna oluvannyuma lw'okusiiba nga bwe tusaala mwaka kumwaka nga tewali kantu ke tufuna tetwalisiibye? Kati bw'aba nga asaasidde omwavu n'alagira aweebwe emmere oluvannyuma lw'okusiiba, ddala tugwanidde okubuuza nti: Ate enva n'eby'okunywa biri wa?

WEETEGEREZE BULUUNGI

Bwe tugamba nti Zakaatul fitir tekkirizibwa kuweebwa mu sente, era agiweera mu sente tagifunamu mpeera, tuba tetutegeeza nti omuntu takkirizibwa kuwa muntu sente amugulire emmere agituuse ku bateekeddwa okufuna Zakaatul fitir. Ekitakkirizibwa kwe kuwa Zakaatul fitir mu sente n'etuuka ku nannyiyo mu sente okuggyako mumbeera y'obusoberwa – ng'okubulwa emmere, oba ng'okuba nti agiweebwa talya mmere anywa bunywi.

Aweebwa Zakaatul fitir alina okugifuna mu mmere so ssi mu sente. Bw'emutuukako mu sente agiwadde tagifunamu mpeera. Agiweereddwa bw'aba tayagala mmere ye ng'ayagala sente, waddembe okugitunda n'agifunamu sente ng'olukiiko olukulu olwa'abamanyi

ba Saudi Arabia bwe lwakitangaaza obuluungi mu fatuwa namba 15888 gye twakulaze waggulu.

Era n'abamanyi b'omulembe guno abanene omuli Sheikh Ibn Baaz, Sheikh Ibn Uthaimeen, Sheikh Fauzaan, Sheikh Albaanie n'abalala bonna kye bagamba.

OKUWA IMAAM ZAKAATUL FITIR

Singa omusiramu akwata sente n'aziwa Imaam w'omuzikiti gwe nga mumativu nti Imaam oyo ajja kukwata sente ezo azigulemu emmere agigabanye mu beetaavu abateekeddwa okufuna zaka eyo mu bwenkanya ng'esswala ya Idi tennasaalibwa, ekyo kikkirizibwa.

Kyokka singa ate aba mumativu nti Imaam oyo abantu abagabira sente, oba abagabira mmere naye agibagabira luvannyuma lwa swala ya Idi, oba ng'amumanyi nti mukumpanya ayinza obutatuusa Zakaatul fitir ku bannanyiniyo , awo takkirizibwa kugimuwa era bwagimuwa emu ku mbeera ezo essatu n'ebaawo Zakat esigala emubanjibwa olw'ensonga zino wammanga:

Esooka: Kimanye nti Allah n'omubaka we baalaalika Zakaatul fitir ku buli musiraamu nga y'avunaanyizibwako okugyetuusiza ku bateekeddwa okugifuna. Obusiraamu tebumulagirangako nti ateekeddwa kugiwa Imaam, wabula bwamukkiriza okugimuwa nga omusigire we (agent) singa aba nga ye kennyini tasobodde kukola ekimukakatako

eky'okugyetuusiza ku bateekeddwa okugifuna olw'obutabamanya, oba olw'okubulwa ebiseera.

N'olwekyo awa Imaam Zakaatul fitir agimuwa nga musigire we (wakiir) ateekeddwa okugituusa ku nannyiniyo mu ntuusa yennyini amusigidde gyabadde ateekeddwa okugituusaamu singa tasigidde. Imaam aweereddwa Zakat ateekeddwa okugituusa ku nannyiniyo mu mmere ate ng'esswala tennasaalibwa.

Yagamba Omubaka Muhammad (s.a.w) mu Hadiith eva ku Ibn Abbaas nti:

من أداها قبل الصلاة فهي زكاة مقبولة, ومن أداها بعد الصلاة فهي صدقة من الصدقات. (رواه أبو داود وحسنه الألباني رحمه الله تعالى في الإرواء)

"Oyo yenna agiwa ng'esswala (ya Eid) tennasaalibwa, aba awadde zakat ekkirizibwa. Ate agiwa ng'esswala ewedde eba saddaaka nga saddaaka endala (tafuna mpeera za zakaatul fitir).

Ey'okubiri: Abantu bangi balowooza nti ekimukakatako kwe kugiwa Imaam ng'esswala tennasaalibwa wadde nga Imaam ajja kugigaba ng'esswala ewedde! N'atamanya nti Imaam si ye nannyini Zakaatul fitir wabula ye musigire w'oyo agimuwadde so ssi musigire w'oli agiweebwa.

Ebanga ly'emala ng'ekyali mumikono gya Imaam oba omuntu omulala yenna eyagiweereddwa okugituusa ku munaku, eba ng'ekyali mu mikono gy'oyo eyagimuwadde kubanga mukozi w'oyo eyagimuwadde – okuggyako nga nannyiniyo (omunaku) ye yamugambye

nti zaka yange gimpeere gundi nja kuyitawo ngiggewo, oba ajja kugimpeereza oluvannyuma lw'esswala.

Yagamba omumanyi ow'ekitiibwa Sheikh Swalih Ibn Fauzaan Al Fauzaan- Allah amukuume- mukitbo kye ekiyitibwa Al Mulakkhas Al Fiqhie nti:

ولا بد أن تصل صدقة الفطر إلى مستحقها في الموعد المحدد لإخراجها, أو تصل إلى وكيله الذي عمده في قبضها نيابة عنه,.....وهنا يغلط بعض الناس بحيث يودع زكاة الفطر عند شخص لم يوكله المستحق, وهذا لا يعتبر إخراجا صحيحا لزكاة الفطر, فيجب التنبه له (الملخص الفقهي (202

Era zakaatul fitir eteekeddwa okutuuka ku nannyiniyo mukiseera ekikomeke ky'eteekeddwa okuweerwamu. Oba okuba ngetuuse eri omuntu oyo omwetaavu gweyasonzeeko okugimukuumira. Wano nno abantu abamu bakolerawo ensobi: Bakwata Zakaatul fitir ne bagiwa omuntu omwetaavu ateekeddwa okugifuna gw'atabalagiddeko kugiwa; Eyo nno empa teba ntuufu era ensonga eyo eteekeddwa okwegenderezebwa.

Kino kitegeeza nti enkola y'abantu okujja eri essala ya Eid ne Zakaatul fitir ne bagiwa ba Imaam si ntuufu. Abatasobodde kugiweereza mu mmere era Imaam okukeereya esswala ya Eid Al Fitir kiyamba muntu kugituusa kubannanyiniyo so ssi kugiwa Imaam oba omuntu gw'ataddewo okugikwata nga bwe kitera okukolebwa kubanga eba egenda kubaweebwa luvannyuma lwa sswala ate nga twakitegedde dda nti bw'ebaweebwa oluvannyuma lw'esswala tebaamu mpeera.

EMPA YA ZAKAATUL FITIR ENTUUFU

Owekitiibwa omukkiriza, eno y'empa entuufu eya zakaatul fitir mubufunze. Nga bw'okitegedde nti Zakaatul fitir eweebwa mu mmere so ssi mu sente nga bwe kibadde kikolebwa mu nsobi, kimanye nti emmere eweebwamu Zakaatul fitir y'eyo abantu b'ekindu ky'owangaaliramu gye basinga okukozesa mubulamu bwabwe obwa bulijjo naddala emmere gye basinga okukozesa mu nnaku enkulu kubanga ekigendererwa kya kubawa ssanyu mu nnaku enkulu.

Wano e Buganda mu nnaku enkulu, abantu basinga kukozesa matooke, mukyere, bummonde obuzungu, kawunga engano n'ebirala. Awa Zakaatul fitir wano mu Buganda agwanidde kugiweera mu bintu ng'ebyo. Yagamba Sheikhul-Islam Ibn Taymiyya – Allah amusaasire- nti:

يخرج من غالب قوت بلده مثل الأرز وغيره (فتاوى ابن تيمية 10-
(410

Agiweera mu bika by'emmere ebisinga okukozesebwa mu kitundu kye, ng'omukyere nebirala.

Oyo yenna agenda okuwa Zakaatul fitir ng'agiwa mu bintu ebisobola okupimibwa mu mbatu ng'omukyere, obulo, obuwunga, engano, n'ebirala ebifaanana bwe bityo, agatte ebibatu by'emikonogye ebiri ayooze embatu ezo ebbiri z'agasse zijjule buluungi mu kintu emirundi ena.

Bw'oyooza embatu ebbiri ezijjudde obulungi emirundi ena ekyo ekigero ekiba kiyooleddwa kye

kiyitibwa Swaa' ekyo Nabbi (s.a.w) kye yalagira buli muntu okuwa mu Hadiith ennyingi ze twalabye waggulu.

Bw'oba oli omu wekka, ekyo ekigero kyo'oyodde kitwalire omwetaavu yenna gw'omanyi ku kitundu kw'owangaalira ojja kuba omaze okuwa Zaka yo. Ate bw'oba oweera babiri, ojja kugatta embatu bbiri oyoole emirundi munaana. Bw'oba oweera basatu, emirundi Kkumi n'ebiri, bwe baba bana emirundi kkumi na mukaaga, bw'otyo okusinziira ku nnamba y'abantu b'oweera.

Bw'oba tosobodde kukola bw'otyo genda ku dduuka buli muntu gw'oweera Zakaatul fitir omugulire kkiro bbiri n'ekitundu oziweereze omwetaavu yenna ku kitundu. Abantu bo b'olabirira be bokka abakukakatako okuweera Zakaatul fitir, ozzeeko omukyala n'abalala okusinziira ku busobozi bwo. Yagamba Omubaka Muhammad (s.a.w) nti:

"ابدأ بنفسك ثم بمن تعول" (البخاري: الزكاة- 1426)

"Sooka weeweere oluvannyuma ozzeeko abo b'olabirira".

Tewali bwetaavu bwa kutawanya Imaam ng'abeetaavu obamanyi, era ne Imaam tagwanira kweyitira mugugu Allah gw'anamubuuzaako ku Akhirat. Abantu abasomese empa ya Zakaatul fitir entuufu era abalagire bagyetwalire abanaku. Kikulu okumanya era nti tekirina kamogo konna kuba nti abantu abasukka kw'omu bawadde zaka yaabwe omuntu omu oba famire

emu olw’ensonga nti abawa Zakaatul fitir bangi nnyo okusinga abagiweebwa.

Ate bw’oba osazeewo kuweera mu matooke oba obummonde oba ekintu kyonna ekitatera kupimibwa mu mbatu, awo opimira mu kkiro. Buli muntu omuweera kkiro bbiri n’ekitundu ez’amatooke, oba ez’obummonde. Mu ngeri y’emu okkiririzibwa okugerageranya kkiro eziri mu nkota y’ettooke n’oligula n’oliweereza amwetaavu ne bwe liba nga kkiro zaalyo zisukka mu kkiro z’oteekeddwa okuwa.

Singa oba n’abantu mukaaga b’oteekedda okuweera Zakaatul fitir kiba kitegeeza nti okakakatibwako okubaweera kkiro kkumi nattaano (15kg) ezemmere. Bw’oba osazeewo kuweera mu matooke, oli wa ddembe okugenda mu katale n’ogula enkota y’ettooke gy’okakasa obuluungi nti eweza kkiro ezo 15 n’okudda waggulu n’ogiweereza omwetaavu n’oteetawaanya kupima. Enkota eyo bw’ebaamu kkiro 20 oba 30, kkiro ettaano oba ekkumi, oba ekkumi nettaano eziyitamu eba saddaaka gy’ofunamu empeera.

N’aweera mu bummonde bwatyo; waddembe okugula endebe gy’akakasa nti eweza kkiro z’ateekeddwa okuwa – ne bwe ziba ziyitamu- n’agiweereza omwetaavu gw’amanyi ku kitundu kye.

Wabula bw’oba osazeewo okupima otwalire ddala kkiro ezikukakatako nakyo tekirina mutawaana.

Si tteka nti amatooke g’alina kuba mawaate wadde okuba nti galina okuba mawagule, bw’osalawo okupima

enkota, yonna n'ekikolokomba kyayo n'ebikuta bipimibwa wamu kubanga n'entende ezipimimwa tezimala kuggyibwamu nsigo so ng'ensigo z'entende nazo teziriibwa.

EBIBALA EBIVA MU MPA YA ZAKAATUL-FITIR ENTUUFU

Ekisooka: Agiwa mu mmere aba mumativu nti agiwadde mu mpa abamanyi bonna gye beegattako nti ntuufu so ate agiwa mu sente aba agiwadde mu mpa kumpi abamanyi bonna gye bagamba nti tekkirizibwa era agiwadde tagifunamu mpeera. Kati lwaki omuntu atambulira mu njawukana nga waliwo ekyegattibwako?!!!

Eky'okubiri: Endabankanya shaitwan gy'erabankanyamu omuntu ku sente si bw'emulabankanya ku mmere. Zakaatul fitir bw'eweebwa mu sente tekoma bukomi kuba nti tekkirizibwa wabula n'abeetavu abasinga obungi bagifunako busammambiro abamu ne batagifunirako ddala!!.

Eky'okusatu: Allah yalaalika zakaatul fitir lwa kuteeka ssanyu mu mitima gy'abeetaavu n'okukuuma ekitiibwa kyabwe ku lunaku lwa Eid so ssi kubatyoboola na kubakkakkanya na kulaalaasa mbeera yaabwe. Enkola y'okusimbise abeetaavu ku mizikiti, ensi yonna n'emanya obunafu bwabwe, nga kw'ogasse n'okubabboggolera n'okubasimbisa line ng'abasibe be

bebagabira akawunga, teri kubuusabuusa nti ekyo si kye kyali ekigendererwa ky'omutonzi waffe ng'alaalika Zakaatul fitir. Enkola esinga okukuuma ekitiibwa ky'abakkiriza abeetaavu ya kukubiriza basiraamu bagiweerezenga abeetaavu mu maka gaabwe.

Eky'okuna: Singa Abasiraamu batandika okugiwa mu mpa entuufu, abeetaavu bajja kusobola nga okugirya ekyemisana kya Eid so nga kati okyayita ku mizikiti ng'abamu bakyasimbye line mu biseera bya Dhuhur!!

Mu ngeri y'emu bajja kugifunanga mubungi obutakkirizika batuuke n'okwewuunya bulijjo sente gye zibulira nga kw'ogasse n'okulaba akeetalo akanyuma ke tulaba mu mawanga g'abasiraamu mu nnaku ebbiri ezisembayo mu Ramadhan ng'abasiraamu banoonya baganda baabwe abeetaavu babatuuseeko Hakki yabwe.

OKUWUMBAWUMBA

Mu bufunze, eyo ye Zakaatul fitir. Nsaba Allah ateeke omukisa mukitabo kino era akkirize nti nkiwandiise ku lulwe. Musaba akifuule ensonga y'okutereeza enkola enkyamu gye tubadde tutambulirako era akkirize bye tubadde tukola nga tulowooza nti bye bituufu by'ayagala. Musaba asse okusaasira ku Basiraamu bonna era abasonyiwe ebibasobako.

Ekitabo kino bwe kibaamu ensobi yonna eba yange so ssi ya ddiini ya Allah era nsaba Allah omusaasizi aginsonyiwe era aleete omuddu we

anaagitereeza. Nsaba Allah asse okusaasira n'emirembe ku Nabbi we ow'enkomerero Muhammad (s.a.w) ne ba Swahaaba be n'abantu b'enyumba ye n'abo bonna abagoberera obulungamu bwe okutuusa enkomerero lw'eriyimirirawo.

Muhammad Quraish Mazinga
Dar Al Hadiith,
Fuyuush
Aden
Yemen.